

17th Feb. 2019.

TUSINZE MUKAMA MU BUTUUKIRIVU.

Eby'Abaleevi 2.

vs 1-3 Ekiweebwayo eky'emepeke.

Buli eyalinga ow'okuwaayo empeke yali wa kuzisanga aleete obuwunga obulungi, yateekangako amafuta g'omuzeeyituuni wamu n'obubaane era n'abuleetera kabona eyayoolanga olubatu lumu n'alwokya ku Kyoto. Obuwunga obwasigalangawo bwalinga bwa bakabona.

vs 4 Oba omuntu yaleetanga emigaati egifumbiddwa mu oveni nga nagyo gikoleddwa mu buwunga obulungi obutabuddwaamu amafuta g'omuzeeyituuni. Emigaati gino tegyassibwangamu kizimbulukusa.

Oba omuntu yaleetanga obusukuuti obw'oluwewere nga temuli kizimbulukusa wabula nga busiigiddwa amafuta g'omuzeeyituuni.

Oba ekiweebwayo bwe kyabanga eky'emmere eyempeke nga kiteekeddwa ku lukalango; kyabanga kikalangiddwa mu buwunga obulungi obutaliimu kizimbulukusa era nga butabuddwaamu amafuta g'omuzeeyituuni oluvannyuma lw'okumenyebwamenyebwa.

Oba ekiweebwayo bwe kyabanga kya mmere efumbiddwa mu fulampeni; kyakolebwanga mu buwunga obulungi era nga mugattiddwaamu amafuta g'omuzeeyituuni.

Kabona yajjangako ekitundu eky'ekijjukizo n'akyokya ku Kyoto.

- i) Evumbe eryavangamu ne lisanyusa Mukama.
- ii) Ebyafikkanga byalinga bya bakabona nga ky'ekitundu ekitukuvu ennyo.

vs11-12 Ebyalina n'ebitaalina kukolebwa ku biweebwayo bino.

- i) Emmere y'emepeke teyatabulwangamu kizimbulukusa.
- ii) Emmere y'emepeke teyatabulwangamu mubisi gwa njuki.

Kino kyali nti lwakubanga Mukama yagaana okwokya ekizimbulukusa oba omubisi gw'enjuki ku Kyoto kye.

Ebiweebwayo by'emmere y'empeke byonna byatabulwangamu omunnyo. Omunnyo guno nga gwa ndagaano ne Katonda.

vs 14-16 Omuntu bweyaleetanga ebibala ebibereberye eby'emmere y'empeke yaleetanga ebirimba ebibisi ebibetenteddwa ne byokebwamu muliro.

Bino byafukibwagako amafuta g'omuzeeyituuni n'obubaane.

Kabona yagyangako ekitundu n'akyokya ng'ekijjukizo.

Enfaanagana y'ebiweebwayo

- i) Ebiweebwayo byonna byalinanga okuba ebirungi; kino kyali kyakulaga nga Katonda eweebwa ebiweebwayo bwali omutukuvu era ng'asaanidde ebituukiridde.
- ii) Byatabulwangamu amafuta g'omuzeeyituuni: gano gaali gakuwunyisa kawoowo mu biweebwayo bya Mukama.
- iii) Byatabulwangamu omunnyo; guno gwalinga gwa ndagaano ne Katonda etaalina kukaddiwa era nga gwaziyizanga ebiweebwayo okwonooneka.
- iv) Ebimu byayibwangako obubaane; ng'amafuta g'omuzeeyituuni era n'obubaane bwalinga bwa kwongera kawoowo mu biweebwayo.
- v) Byaleetebwanga eri kabona n'agyako ebitundu n'abyokya ku kyoto ng'ebijjukizo.
- vi) Tebyatabulwangamu kizimbulukusa wadde omubisi gw'enjuki; ekizimbulukusa kikiikirira ekibi mu byawandiikibwa era ng'ebiweebwayo byalina okuba ebitukuvu. Ate era ekizimbulukusa kitwala akabanga nga kikola mu mmere ekyali kirina okuba nti emmere eno yalinga yakusula ekyagyijjagako okuba ennamu mu maaso ga Mukama.

Olw'ensonga nti omubisi gw'enjuki gusobola okufuula ebintu omwenge (**fermenting**) guno kyegwava gugaanibwa okuteekebwa mu biweebwayo eri Mukama.

Bino tebyaweebwangayo kubanga Mukama yali yeetaaga eby'okulya wabula yali anoonya kusinza kw'abawaayo. (**Zabbuli 51:16-17 LCB**)

Ani alina okusinza Mukama? Buli kitonde kirina okusinza Mukama n'okusingira ddala ffe beyalokola okutuwonya okuzikirira.

(**Zabbuli 29:2 LCB**)

(Yokaana 4:22-25 LCB)

Okusinza kwaffe kuleme kubaamu kwegulumiza, kukweka kibi era nga kwa mwoyo. Ebiweebwayo tebyateekebwangamu kizimbulukusa. Ekizimbulukusa kirimba era kikyusa obutuufu bw'ekintu kyonna ne kiva mu bwannamaddala by'akyo.

Olubatu lw'obuwunga olulimu ekizimbulukusa lusobola okuzimba ne lukola omugaati gwa kilo. Kitegeeza kyetulaba tebuba buwunga bwokka naye buzimbisiddwa (*exaggerated*) ate era ebirimu tebikyali bipya (*fresh*) kubanga ekizimbulukusa kitwala akaseera okuzimbya.

Ffe leero tusinza tuya Mukama

Tusinza Mukama munnyimba az'atendo n'okusinza, engeri gyetweyisa era n'okuwaayo ebintu ebikozesebwa mu kuwereeza Katonda.

Wano waliwo ekikemo nti emirundi mingi tuyinza okugamba nti tusinza Mukama naye nga ennyimba ezisinza tuzinyumirwa bunyumirwa wabula nga si lwakuba nti tukozesa ebigambo ebirimu okutenda obukulu bwa Mukama.

Ate era tusobola okuwaayo naye ng'okuwaayo kwaffe kuzimbulukisiddwa nti twagala wabeewo alaba nti tuwaayo eri Mukama.

Kyetuva tukubirizibwa okuwaayo naye n'ekigendererwa ekituufu eky'okusinza Katonda.

Kye tuwaayo eri Mukama tulabika ng'abakifiiriddwa naye ate kyekisinga okukola amakulu nti kisigala ng'ekijjukizo mu maaso ga Mukama.

Eky'okulabirako

(Makko 14:3-9 LCB)

Mukama tumusinza kubanga yatwagala n'awaayo ekisinga tununulibwe. (*Yokaana 3:16-17 LCB*)

Buli omu kuffe kimugwanidde okwewaayo okusinza Mukama mu mwoyo ne muzima ere n'ebyo Mukama by'amuwadde era nga bwewaba nga waliwo ekituziyiza okusinza mu butuukirivu tusabe Katonda atuwe amaanyi agakyekutulako olwo tulyoke tumusinze nga okusinza kwaffe kutuukiridde mu maaso ge.

Leero si ebyokebwa, si bubaane naye emitima gyaffe egitukuziddwa ne ssaddaaka y'omusaayi gwa Yesu Kristo. (*Abaruumi 12:1-2 LCB*)

Abaalokoka ffenna kitugwanidde okuwaayo emitima gyaffe nga tusinza Katonda mu butuukirivu. Tuleme kutunuulira kiki kyetuwaayo kyokka eri Katonda naye okusinga tufe nnyo kumutima oguwaayo.

Atalokokanga, Katonda okwagala era kyeyava awaayo ssaddaaka ku musalaaba gwa Yesu Kristo ofune obulamu obutaggwaawo era nga ggwe okumukkiriza okubeera Mukamaawo kisinga byonna ggwe by'osobola okumuwa.